OMUKOLO OGW' OKUKUBA EBIRAGAANO

Omutambizi:

Ab' oluganda abaagalwa mukungaanye mu nyumba ya Eklezi. Mwagala omubaka w' Eklezia n'ekibiina kyonna kibeerewo nga Katonda asiba okwagala kwamwe okukunyweza obutalekamu kasagala. Abaamala edda okutukuzibwa mu Batisimu, nga bafunye okwagala batyo, Kristu yennyini okwagala okwo yakuwa omukisa, ne kufuuka kunywevu olw' essakaramentu nga kwa maanyi, buli omu n'anywerera ku munne ennaku zonna, nga bagumira byonna obufumbo bye bubatuma.

Omutambizi: **Gundi** ne **Gundi** Eklezia wa Katonda mumusaba ki?

Abagole: Okufumbiriganwa nga Eklezia wa Katonda bw'alagira.

(Omusaserdooti abuuza abazadde b'abagole)

Omutambizi: Abazadde b'abaana bano mukkiriza abaana bammwe bafumbiriganwe?

Abazadde: Tukkiriiza

Omutambizi: **Gundi ne Gundi** tewali abawalirizza obufumbo mubwerondedde ne mubwesiimira ku bwammwe?

Abagole: Tewali atuwaliriza! Tubwesiimidde ffeka.

Omutambizi: Mwetegese obutaswaza bufumbo nga mwagalana, buli omu ng'assamu munne ekitiibwa okutuusa ddi?

Abagole: Twetegese

Omutambizi: Mwetegese okusanyukira mu kuzaala abaana, nga Katonda bw'aliba ababawadde, n'okubagunjula nga Kristu n'Eklezia bwe balagira, nga n'ennema za matrimonio bwe zibayamba?

Abagole: Twetegese

Omutambizi: Essakramentu lino teribawa nneema yokka, libatikka n'omugugu. Ekiragaano kye mukuba kya kutuusa kufa, mubizibu ne mu byangu, mu bwavu ne mu bugagga, mu

bulamu ne mu bulwadde, mubuvubuka ne mu bukadde. Omugugu mukkiriza okugwetikka?

Abagole: **Tukkiriza, Kasita enema ya Katonda w'eri.**

Omutambizi: Anti mwagala okukuba ekiragaano ekitukuvu ekya Matrimonio: Kale mwannyina w'omugole, mu linnya ly'abazadde, mwana muuno mukwase munne gwe yeerondedde.

(Omuko agaba omugole)

Omugole omusajja: Nze **.....** nkufuna ggwe **.....** obeere mukazi wange: Nkulagaanya okukunywererako nebwetulibeera oburungi ;nebwetulibeera obubi ne mubulwadde ne mubulamu ;nja kukwagala ,nja kukusamu ekitiibwa ennaku zonna ez'obulamu bwange.

Omugole omukazi Nze **.....** nkufuna ggwe **.....** obeere baze Nkulagaanya okukunywererako nebwetulibeera oburungi; nebwetulibeera obubi ne mubulwadde ne mubulamu; nja kukwagala ,nja kukusamu ekitiibwa ennaku zonna ez'obulamu bwange.

Omutambizi: Ekiragaano kyamwe kino kyemukubye ,mumaso g'eklezia, omukama owekisa akikakase ,abawe n'omukisagwe mungi ddala. Katonda ky'amaze okugatta omuntu takigattululanga.

Bonna: Amiina.

Omutambizi: Awa empeta Omukisa

Twegayirire: Ayi Katonda,nnyini kigambo ekitukuza byonna, empeta zino eziri wano ziwe omukisa **+,** buli yenna anaazeyambanga nga bw'oyagala, nga tiyeerabidde na kukwebaza, olw'okukowoola n'erinnya lyo ettukuvu, muyambe abiggyemu obulamu obw'omwoyo n'omubiri. Tukikusaba nga tuyita mu Kristu Mukama waffe.

Omugole omusajja: (Gundu) nkuwa empeta eno otegeere nti nkwagala era nja kukunywererako okutuusa okufa: Mu linya lya Patri, n'erya Mwana, n'erya Mwoyo Mutuukirvu. Amiina.

Omugole Omukazi: (Gundi) nkuwa empeta eno otegeere nti nkwagala era nja kukunywererako okutuusa okufa: Mu linya lya Patri, n'erya Mwana, n'erya Mwoyo Mutuukirvu. Amiina.

Omutambizi: Baliba babiri mu mubiri gumu: Mu linya lya Patri, n'erya Mwana n'erya Mwoyo Mutuukirivu. Amiina.